


Okuva ku kkono Dan Muganga RDC wa Kiryandongo, omwogezi wa UNICIEF Catherine Ntabadde.

# Abaana abakonziba babeeraliikiriza

Bya P NSIMBI

ABAKULIRA disitulikiti ye Kiryandongo balaze obwenyamivu olw'omuwendo gw'abaana abakoziba ogweyongera buli lukya ate nga y'emu ku zisinga okulima emmere.

Kiryandongo emanyiddwa mu kulima Kasooli, ebinjanjalo ne muwogo ng'abakugu mu byendiisa y'abaana bagamba nti yadde bino babirima naye tebamanyi ku bikozesa ekiviira abaana okukonziba.

Akulira abakozi mu disitulikiti eno Aclem Kyaligonza, atwala eby'obulamu Dr.Irene Nabitaka n'omubaka wa Pulezidenti Dan Muganga basinzidde ku kitebe kya disitulikiti mu nsisinkano n'abakungu okuva mu kitongole ky'Ensi yonna ekivunaanyizibwa ku baana ekya UNICIEF , ne balaga okusoomoozebwa okuvaako abaana okukonziba mu disitulikiti eno.

Kyaligonza yagambye nti basoomoozebwa olw'abakozi abatono mu malwaliro n'amasomero ssaako ebbula ly'ebikozebwa eriva ku muwendo gw'ababundabunda ogweyongera buli lukya ng'omwezi bayingiza abatakka wansi wa 400.

Kyaligonza yategeezezza nti disitulikiti eno erimu amawanga 82, okuva mu mawanga ag'enjawulo okuli Southern Sudan, Sudan, Congo ssaako ne Bannayuganda abasengulwa mu bitundu ebirimu okubumbulukuka kw'ettaka ekireesewo enkaayana z'ettaka n'obwetaavu bwebikozesebwa okubeera waggulu.